KYENKOLA BANNANGE SSAAGALA BAKINKOLE

Posted by omumbejja - 2007/09/14 00:48

_____

Abantu abaagula teargas , abalagila okumukuba abantu bonna betaaga nebatekebwa mukisenge kimu nebamulozaako nebamanya kiki abantu ekibatukako nga bamubakubye , kuba ono teargas tataliza abakyaala abamu bajja okkola nabaana baabwe abato abaana abamasomero, abakadde, abakyaala abembuto

. Sente ezigula teargas on baziggya mwaabo bebamukuba , awo olugero welutukirira nti owamaanyi akkubya gwoolinagwo .Kuba singa ssente bano bebatulugunya singa tebaziwaayo neteargas tebandimuguze bannafe bakilimaanyi. Naye abantu berabira nti abantu absinga bavaayo ewaabwe bonna nebesogga wano mu Buganda awo watya ngosiibye okuba banno teargas noddayo eka ngamukazi wo owolubuto bamuddusizza muddwaliro olwa teargas gwe wamukubye ate nga yamusanze ava kunona mwanawo kussomero bonna nebalugenderamu

 .Ate ngabagenda kusasula ngomweezi guweddeko kyokka nga ekyabulayo weeks endala 3 . Kati awo silowooza nti teargas omutununila kyekimu nga kumukaziwo gwokubako amaaso nga taawa .Mpozzi bagala tutegeeza nti bwebaba bagenda omukuba bamala kutemya kubantu baabwe bo nebagwa cover. oba abamukuba abaantu babagya mubitundu birala gyebareka nabantu baabwe.

==========

Re:KYENKOLA BANNANGE SSAAGALA BAKINKOLE

Posted by omumbejja - 2007/09/14 00:51

_____

Bamukubye ttiyaggaasi n’ataawa

Omukazi ow’olubuto ng’amaziga gamuyitamu. Ono yasudde essowaani z’emmere n’adduka.

TTIYAGGAASI eyakubiddwa mu basuubuzi b’omu katale k’ewa Kisekka ku Lwokubiri, yabadde asiiwa nga kamyu.

Bwe yatuuse ku bakazi ne bakuba emiranga, okufeesa n’abamu sikaati ne bazisika okutuuka mu bisambi, abalala ne beeyambula amabeere katono bagakube abaserikale ba poliisi mu maaso.

Waliwo bambi omukyala ow’olubuto eyasinze okuyisibwa obubi. Embeera yamuyitiriddeko n’akaaba, n’atuuyana nga bw’afeesa ng’eno bw’akuba emiranga.

Banne baagenze okulaba ng’ataawa kwe kumuyoolayoola ne bamuddusa mu ddwaaliro era kigambibwa nti lubuto lwabadde lw’agala kuvaamu.

Ate omulala yabadde atambuza mmere.

Ttiyaggaasi olw’amutuuseeko n’asuula wansi amasowaani n’asika sikaati okwesangula mu maaso era katono akunamire abantu.

Published on: Thursday, 13th September, 2007

biva mu bukedde

==========

Re:KYENKOLA BANNANGE SSAAGALA BAKINKOLE

Posted by omuana - 2007/09/14 06:41

---

ensonga ya teargas nze ndaba yakikopi nyo ela eli primitive.....kyovolaba nti ensi gyetusuubula tear gas nga China ne singapore abaayo bwebekalakaasa babagoba nakimotoka ekifuuwa amazii agasiiwa,

Kinonno kili kale kaleko kubanga amazzi bwekigafuyila abali ku City square, gwe ali mu paaka enkadde tomanya nakumanya nekilala amazzi gaba galina pressure egaweeleza eyamba okusindika omuntu abeela agaanidde mukifo naye teargas wa kijambula nyo kubanga bamukuba e'Nakivubo awo naye nosanga abali ewa'Bakuli nga bafeesa okutuusiza ddala ku Sanyu Baby's Home (ngolinya linya akasozi akaliko ekanisa lutikko ye'Namirembe) sissubila nti abo abantu bonna babeela babadde mukwekalakaasa!

==========

Re:KYENKOLA BANNANGE SSAAGALA BAKINKOLE

Posted by omumbejja - 2007/09/14 18:32

Okujjako nga entegeka eriwo kutta bamukitundu mwebamukuba teargas. wewuunye bwebamala okubakuba eggulo limu, ngenkeera omukulembeze ngalyooka avaayo nga gagamba "nti temutulugunya bantu Nakatale nkabawadde kaabwe" ngabantu baddayo ngabakola ngabussente bwaabwe nga babutwaala nga babugulamu teargas omulala, ngeera baddayo ngababatimpula buto. Kazzi batugamba nti Abaganda mpulukutu za musota, naye maama ogukuba emeka? oba ogutta neguvaawo, kuba kasita gukukyukila olaama bibyo. Waliwo webalaze mu bukedde nga bantu bazingizza omusilikale omu nga nemmundu agikutte naye ngata kyasobola gikuba.

==========

Re:KYENKOLA BANNANGE SSAAGALA BAKINKOLE

Posted by Kalibattanya - 2007/09/14 22:30

Ate nno tear gas oyo atundibwa mu Africa countries ne expiration date yamuyitako dda!! Era bamutunda bisero ku bisero ntebereza kyavudde akyaaka. Ggwe ate omwana olukolola nti muleete tear gas. Embwa oluboggolako, nti aluwa tear gas. Omukazi okukuba akakule, nti mwanguye tear gas. Store zijjudde!!! Bayiwe, ba tear gas waabwe, yye ate bbo kiki ekiribagwa ku liiso? Okufa balukuyita kuwummula!!!!

==========

Re:KYENKOLA BANNANGE SSAAGALA BAKINKOLE

Posted by omumbejja - 2007/09/15 05:27

Kati nebakurekera choice sinyingi, oba ogwa mu mwaala gwe Nakivubo oba onaabe amaso namazzi agakiragala nokunywa onyweeko oba werekaawo bwootyo bakuttwe bulungi .

==========